# ABALANZI

## BO MU NSI ZONNA;

MPAMBO AFRIKAN MULTIVERSITY

# Kino

## Kyekiseera!

# ABALANZI BO MU NSI ZONNA;

**Kino Kyekiseera**
**Okwegatta, Mubeere Bumu**

**BULI NSI MUGINUNULIRE**
**MU MAWANGA GAAYO AMANNANSI**

Library and Archives Canada Cataloguing in Publication

Ndawula, Wangoola Wangoola, author

Abalanzi : bo mu nsi sonna / Wangoola Wangoola Ndawula.

Issued in print and electronic formats.
Text in Ganda.
ISBN 978-1-987935-19-6 (softcover).--ISBN 978-1-987935-23-3 (PDF)

1. Ganda language. I. Title.

PL8201.N43 2017 496'.3957 C2017-906012-0
C2017-906013-9

First Edition - 2017
A publication of:

**Kifulumiziddwa**
**Mpambo Afrikan Multiversity at the Source of the Nile**
**Ku Nsibukoyo Mugga Kiyira**
**Nantaba House, Nakabango, Jinja, Uganda**

**NE/and**

**Inclusion Press International, Toronto, Canada**

**Copyright © 2017 Inclusion Press & Mpambo Afrikan Multiversity**

All rights reserved. No part of this publication may be produced, stored in a retrieval system or transmitted, in any form or by any means electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission from the publishers.

Olufulumya olusoose 2017

**MPAMBO Afrikan Multiversity**

**INCLUSION PRESS**

47 Indian Trail, Toronto, Ontario Canada M6R 1Z8
p. 416.658.5363 f. 416.658.5067
e. inclusionpress@inclusion.com

**www.inclusion.com BOOKS • WORKSHOPS • MEDIA • RESOURCES**

**Obubaka bwa Nabyama, Ssetendekero wa Magezi g’Omuddugavu Ayetengeredde – Mpambo Afrikan Multiversity era Omukubiriza we Kyoto-kya-Bataka ku Nsibuko, Wangoola-Wangoola Ndawula, Eri Amawanga gobwa Mwoyo gonna, neri Ssemasi Nabulamu ku Lujaguzo 2017 Lwokuweza Emyaka 50 gyo Mulembe Mutinzi Cuusansi (M.M.C.).**

# Abalanzi be Baani?

Abalanzi bebantu abogera ne Katonda nga ababikkulira ne bamanya omulembe ogukomye n'ogutandise ne bigulimu nga bikwatagana ne by'Abalanzi bonna abali mubuli Ggwanga elinnansi, eciwa abantu abali mubuli Nsi okukyukira mu mulembe ogubeera gutandise.

Buli Nsi ya Katonda. Era buli Nsi erina Abalanzi, nga beebo Katonda beyakwaasa e Nsi yaabwe, kulwebiramu ne bannansi muyo. Mukugibakwasa, Abalanzi e Nsi yaabwe bagisiima, era nebajagala nnyo. Bwebatyo Abalanzi nebaba abantu ba Katonda abagala ennyo Katonda waabwe; abaagala ennyo e Nsi yaabwe ne Ggwanga; abaagala ennyo obuwangwa bwabwe; abagala ennyo olulimi lwabwe mwebali; era abenyumiririza mu bujjajja bwabwe. Abalanzi kyebava bawaayo obulamu bwabwe bwonna nebakola emirimu gya Katonda, era nga bawereza e Nsi ne Ggwanga elinnansi. Bawaayo obulamu bwabwe eri Katonda, ekibasobozesa okuwuliziganya no kulung'amizibwa Katonda. Ate era Abalanzi bawaayo obulamu bwabwe nga bayiga, besomesa no kubangulagana, ekibongera okumanya n'okutegeera Katonda n'obugabane bwe Nsi ne Ggwanga lyabwe. Kino kiwa Abalanzi okumanya eby'ensi yabwe ebyaliwo, ebiriwo ne bigenda okuberawo; mwebasinziira okutuukiriza obuweereza bwabwe eri Katonda ne Nsi nga balung'amizibwa Omutonzi ne myoyo.





***Ssabakabona Jumba Lubowa Aligawesa***

***kagezimunyo Kijjo Kiwanuka***



**Omutume w' Enzikiriza y'Omuddugavu,Tondism;**
**Musiige Ssebyayi Kyabangi.**

## Amawanga Amannansi Gegaluwa?

Amawanga amannansi ge mawanga ku Ssemasi Nabulamu Katonda ge yakwasa Abalanzi, buli Ggwanga balikuumire ku mateeka ga Katonda n'ebiragiro, wamu n'obutonde. Olwo amawanga amannansi negaba ago agataawukana na Katonda n'obujjajja, olwokulung'amizibwanga Abalanzi. Amawanga amanannsi era gabeera n'obuwangwa n'olulimi lw'ensi oluzaliranwa, ekyongera okubanywereza ku Katonda waabwe. Ensi zino n'amawanga gaazo amannansi gamanyiddwa ewa Katonda, wamu n'obuwangwa ne nnimi zaago enannsi; okugeza nga: Abanyoro be Bunyoro, Abaganda be Buganda; Abasoga be Busoga; Abacholi be Acholi; Abazulu be Kwazulu; Abayoruba be Buyoruba; ba Irish be Ireland; Abasikoti be Scotland; aba Welsh be Wales; ba Mowhawk be Turtle Island; nabalala.

Amawanga amannansi gateekebwateekebwa ku musinji n'enkola yobukulembeze; nga buli Ggwanga lyetengeredde mu bugabane bwalyo mwe lyelamulira era mwe lyekulakulanyiza; mu Katonda waalyo, mu buwangwa bwalyo, mu lulimi oluzaliranwa mulyo, mu magezi go bujjajja bwalyo.




IRAN
LIBYA
EGYPT
SAUDI ARABIA
CHAD
SUDAN
ERITREA
YEMEN
GRAND ETHIOPIAN
RENAISSANCE DAM
CENTRAL
AFRICAN
REPUBLIC
SOUTH
SUDAN
ETHIOPIA
SOMALIA
UGANDA
KENYA
CONGO
DEMOCRATIC
REPUBLIC OF
THE CONGO
RWANDA
BURUNDI
TANZANIA

## Amawanga g'Ekibi Ekika!

Amawanga ga Katonda amannansi gawukanira ddala n'amawanga agatekebwawo Omuzungu mulyanyi lyo bufuzi bwa matwaale, effujjo, obunyazi, okutirimbula abantu n'okusanyawo obutonde. Amawanga gano negaba nga gatekebwawo mu kibi ekika, ekyo bumenyi bwa mateeka g'Omutonzi, ebiragiro n'Obutonde; okugeza nga Great Britain; Germany; Soviet Union; United States of America; Canada; Brazil; South Afrika; Australia; New Zealand; namalala. Amawanga gano agatekebwawo abantu mu bumenyi bwa mateeka g'Omutonzi ne biragiro si Mawanga ga Katonda, era tegaliwo ku musinji gwo bwamwoyo; anti gatambulira ku mateeka ne biragiro bya bantu obuntu, ate abenoonyeza ebyabwe mu bulya mmere. Kubanga tegalung'amizibwa mu bwa Mwoyo bwa Balanzi mu bigambo ebibawebwa Katonda, amawanga ago tegamanyiddwa ewa Katonda. Bwegatyo negaba amawanga agatekebwawo abantu obuntu negateekebwateekebwa ku musinji n'enkola y'obufuzi eduumira olwokutuukiriza ebigendererwa bya kabondo k'abantu abagiwamba. Olwo obufuzi nebutegeeza abannansi okubanyaga ebyabwe, okubabuza emirembe, okubatulugunya, okubabuunzabuunza, n'okubavuwaza.

**Brazil**




**Great Britain**



**Canada**



**USA**




**South Africa**



**Australia**



**New Zealand**



**Spain**



**Germany**



**Buckingham Palace**



## Obusisisi Obupangirire Tebulina Katonda

Amawangwa amannansi era gawukanira ddala n'obusisisi kulukalu lwa Ssemazinga Afrika obwatekebwawo Omuzungu ku musinji gw'obunyazi n'okuzikiriza Omuddugavu ne bibye; okugeza nga ka-Uganda; ka-Kenya; ka-Tanzania; ka-Democratic Republic of Congo, DRC; ka-Rwanda; ka-Burundi; ka-Sudan ne South Sudan; ka-Ethiopia. Obusisisi bwa matwaale g'oMuzungu buno tebumanyiddwa ewa Katonda wa Baddugavu owe Mirembe; ekibufuula okuba obusisisi obutalina Katonda. Obusisisi buno obupangirire Omuzungu yabuzimbira kumusinji gwa kibi ekika ekitaddirira, wamu ne fujjo eri Obutonzi n'obutonde, eri ensi n'amawanga amazaliranwa, neri abantu bonna n'ebiramu ku Ssemasi Nabulamu. Era olw'obutaba na Katonda, obusisisi buno kyebuva butaba na buwangwa bwabwo, wadde obujjajja; bwe butyo era tebulina lulimi lwaabwo, tebulina nzikiriza, era tebulina Balanzi. Obusisisi buno kyebuva buba ettulugunyizo ly'abantu n'ebiramu byonna; anti tewali abukuuma, era tewali ataasa! Kitalo!!


UGANDA



SUDAN



KENYA



ZIMBABWE




SENAGAL



TANZANIA



NIGERIA



DR CONGO






***Ssemazinga Afrika nga Omuzungu Omufuzi***

***w' Amatwale bweyagitematemamu obubajjobajjo,***

***kimusobozese okugimira.***

## Abalanzi Mwegatte, Mulembe Mutinzi Gubune mu Mawanga Amannansi Gonna ku Ssemasi Nabulamu!

Omulembe gwe'ttulugunyo ly'Omuzungu ogwali gubuutikidde Ssemasi Nabulamu, kyegwava gukoma mu 1966, Katonda nassawo Mulembe Mutinzi-Cuusansi ne lubeera Olubereberye Olw'okubiri, ekitegeeza Genesis II. Omulembe guno omupya gukulemberwa Amawanga Amannansi, era amawanga go bwamwoyo. Olwo amawanga ga Katonda gano negaba amasaale mu kuzimba Ssemasi Nabulamu empya, nga buli Nsi yetengeredde mu bugabane bwaayo nate, oluvanyuma lw'okwenunulira mu mawanga gaayo amannansi. Si ekyo kyokka; era nga buli Nsi empya ku Ssemasi Nabulamu empya mu Mulembe guno Omutinzi-Cuusansi ekolagana nezinaayo zonna ku musinji gwobwa seruganda ne nanganda. Mu mbeera eyo, Ssemasi Nabulamu abutikirwe ekitangaala ky'okumanya n'okutegeera, amagezi amekusifu n'agekikugu, obuyiiya, obuvumbuzi, obugumbuzi no buweesi; ekireetawo eddembe n'okwetaaya kwa bantu mu byabwe – anti nga obufuzi bwa matwaale bukomye.

Okukoma kwo Mulembe, sikwekusimulwawo kwagwo. Nabwekityo, okuyuguuma Ssemasi Nabulamu kwalimu kati kabonero ke bbugumu lyo kusiimulwawo kwo Mulembe ogwayita nga gusikirwa omupya. Ssemasi Nabulamu ayuguuma kubanga Abalanzi bomu Nsi zonna tebanegatta mu bumu bwa mawanga gaayo amannansi. Okwegatta kwa Balanzi bomu Nsi zonna kuberawo wakati era oluvanyuma lwa Balanzi okwanjuluza olulimi lubeere lumu olutinzi bonna mwe begattira.

Kino kye kiseera Abalanzi bomu Nsi zonna wamu nababeezi babwe okubeera kumpi n'Omutonzi, wamu ne Katonda we Nsi yabwe, era Katonda w'obujjajja bwabwe, nga basaba okwongera okubikkulirwa ku ky'okukola n'enkola Mulembe Mutinzi-Cuusansi gutambulire era gunywerere mu bannansi mu mawanga gabwe amannansi ku Ssemasi

Nabulamu. Era kino kye kiseera Abalanzi bomu Nsi zonna okwongera okusaba okulung'amizibwa Omutonzi ne Mwoyo, nga Katonda wabwe abawa ebigambo ebyanjuluza ekitangaala kyo bulamu kyo Mulembe Mutinzi-Cuusansi, ne mitendera mu ddimu ly'okuzimba Omulembe omupya; olwo ebigambo ebyo bibe Olulimi Olutinzi Abalanzi n'amawanga amannansi mwebegattira, nga ebigambo bikwatagana mu makulu ne bigendererwa. Kino kye kiseera era Abalanzi n'ababeezi babwe okujjayo enkola ennambulukufu enabasobozesa okuwuliziganyanga; n'okunyweza Olulimi Olutinzi, wamu n'enkola ekwatagana, eyokuzimba Mulembe Mutinzi-Cuusansi, gubune wonna.

Abalanzi ku Nsibuko yo mugga Kiyira kyebava bayita Balanzi bannabwe mu Mawanga gaabwe amannansi okwetoloola Ssemasi Nabulamu yonna, wamu n'ababeezi baabwe bajje mu Confluence Ttaba-Mawanga mu May 2017, ku Nsibuko yo Mugga Kiyira, tukubaganye ebirowoozo, wamu n'okutema empenda ezinatusobozesa okwegatta mu kuzimba Mulembe Mutinzi-Cuusansi, gubune era gunywere wonna. Ate Ttaba-Mawanga ono abeere emmanduso y'enkiiko z'omuddiring'anwa mu buli Nsi za Katonda ne mu matwaale gaazo, olwokunyweza Mulembe Mutinzi-Cuusansi gumaamire ensi yonna, mu ddembe lya buli Ggwanga erinnansi okweramulira mu bugabane bwalyo obwaliwebwa Omutonzi.

**Okumanya ebisingawo, tukirira:**
**Nabyama, ku Jjesero, Ssetendekero wa Magezi go Muddugavu - Mpambo Afrikan Multiversity;**
**Ku Nsibuko y'Omugga Kiyira,**
**Nantaba House, Nakabango, Jinja.**



**Prof. Wangoola-Wangoola Ndawula**
**Omuwandiisi**

**Okuviira ddala mu buvubuka bwe, obulamu bwe bwonna Wangoola-Wangoola Ndawula abumalidde mu kunoonya n'okulafubanira e Ggwanga ly'Omuddugavu Eyetengeredde, mu mawanga ag'enjawulo mulyo, wamu n'abantu n'Ensi ye Afrika. Mu kino nga akitegeera bulungi nti Abaddugavu abetengeredde mu byabwe kinoomu, oba mu mugatte nga bayita mu bibiina byabwe nga nabyo byetengeredde mu by'Omuddugavu, bebokka abayinza okulwana obwezizingirire nebatuusa e Ggwanga ly'Omuddugavu ku buwanguzi; ate era nebawanirira e Ggwanga eryo nga limalako eka kubutaka n'emitala wa mayanja. Ye Nabyama eyatandikawo Mpambo Afrikan Multiversity ku Nsibuko y'Omugga Kiyira e Nakabango, Jinja; era Mmemba we Jjesero era entabiro ya magezi amekusifu n'agekikugu, mu Nantaba, Ekizimbe ky'Obugunjufu bwa Mawanga Amannansi (House of Indigenous Civilizations), Nakabango. Nga era y'omu oyo Omukubiriza w'Ekyoto-kya-Bataka ku Nsibuko y'Omugga Kiyira. Ekyoto-kya-Bataka ku Nsibuko kikola butaweera okubangawo n'okunyweeza endowooza ez'enkyuukakyuka mu buzito obutabuusibwa maaso, wadde okunyigirwa mu ttooke; olwo Omuddugavu, wakati mu ssuubi eppya, yesalirewo nga bwazimba obulamu obwo mumaaso, nga alung'amizibwa endowooza za bajjajjaffe ez'emirembe.**


TONDISM